## OMUYIZI WA S5 ABUZE OKUVA E KOMAMBOGA

OMULENZI ow'emyaka 20 nga muyizi wa S5 abuze mu ngeri etannamanyika okuva e Komamboga. Bazadde b'omwana ono bagguddewo omusango ku poliisi y'e Sekanyonyi nga bali mu muyiggo. Yabuze ku Lwomukaaga okuva mu maka ga jjajjaawe omugenzi Can. Godfrey Njagala e Komamboga. Andrew Tusuubira, omu ku booluganda lwe, agamba nti ayinza okubeera e Mpereerwe era amulabako kuba ku ssimu 0789883497 oba 0744414185.